



**PROVINCIAL EXAMINATIONS AGENCY (PEA)
COUHEIA MOCK EXAMINATIONS 2026
Uganda Certificate Of Education
LUGANDA
OKUWANDIIKA EMBOOZI N'OKUKYUSA
OLUPAPULA OLUSOOKA
ESSAAWA BBIRI**

EBIGOBERERWA:

- Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bibiri : A ne B. ddamu ebibuuzo bisatu.
- Mu kitundu A mulimu ennamba bbiri, zonna bya buwaze.
- Mu kitundu B mulimu nnamba bbiri londako ekibuuzo kimu.
- Ebibuuzo ebisuuka mu by'olagiddwa tebijja kugololwa.

EKITUNDU A

Ddamu 1 ne 2

1. Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo Ku nkomerero yaakyo Obwakabaka bwa Buganda obutafaanaganako na bulala, bussa ekitiibwa mu bakazi . Kabaka bw'aba atuula Ku Nnamulondo abeera ne Lubuga we ku lusegere ng'ono ye mukazi amuyamba okukwazza emirimu gy'obwakabaka. Ng'ogyeko Ono waliwo emirimu ntoko mu Lubiri egiweebwa abakazi ab' ebika ebitali bimu. Mu bino mulimu Nanzingu ow'embogo .Omutaka Kayiira Gajuule akulira ekika ky'embogo agamba nti Kabaka bw'aba alya obwakabaka Nanzingu Alina okubaawo. Nanzingu Ono yatandika Ku Ssekabaka Nnakibinge . Kiwanuuzibwa nti Ssekabaka Nnakibinge bwe yali atabaala Abannyolo, yalagiriza mutabani w'omussesse Wannema eyali ayitibwa Kyobe amuyambeko . Wabula nga tannamuleeta , baakola endagaano ne Wannema nti singa mutabani we Kyobe afiira mu LUtalo olwo, Ssekabaka Nnakibinge yali wa kuliwa omutabani avudde mu ntumbwe ze. Ssekabaka Nnakibinge bw'akomawo okuva e Sseese , n'atuuzza bakyala be ne bagaayaamu ensonga ego. Oluvannyuma yababuuza eyali omwetegefu okuwaaya omwana we nga bonna amatama ntango . Oluvannyuma Nanzingu eyali yeetisse ettu ebiseera ebyo

yeesowolayo baagamba empologoma nti singa aliba azadde omwana omulenzi yali wakumuwaayo ewa Wannema. Nnakibinge bw'ajja omukoni mu ngabo yaleka akiraamye nti Nanzingu mukyala muzira era bwatyo aweebwe ekitiibwa eky'enjawulo. Okuva olwo Kabaka yeena bw'aba atuuzibwa Ku Nnamulondo, Nanzingu abaako nga Lubuga we era kikafuuwe Kabaka okulya engoma nga Nanzingu taliiko .

Nanzingu abeera mu Lubiri munda ng'alina enyumba ye eky'enjawulo mw'asula. Tafumbirwa era taziika muntu yenna wadde okutunula Ku njole . Kasita agazaako okusobywa akamu ku bulombolombo buno okugeza ng'okufumbirwa bamu bamuggyayo mu Lubiri bukuburire ne bamusikiza omulala anaasobola okutiukiriza . Nanzingu ab'embogo tebalituuma baana babwe balala kuba lya kitiibwa kya Lubiri. Mu Lubiri ebeeramu ng'alera abaana ba Kabaka oba okukola omulim omulala omukulu ennyo mu Buganda ye Nannono ow'engo . Ekitiibwa kye nakyo kiva Ku Ssekabaka Nnakibinge omulwannyammuli ,bwe yamugamba ng'alwana n'Abanyolo okumusongolera emmuli, Obuganda ne bukkiriza Nannono agire ng'afuga okutuusa lw'alizaala omwana afuuke Kabaka kubanga Kabaka agenda okufa nga Nannono y'ettise ettu lye. Bw'atyo Nannono nafuuka omukazi yekka eyali afuze Ku Buganda. Wabula eky'akabi. Nannono yazaala gannemerredde bwebityo obwakabaka ne buweebwa omulangira omulala . Nannono yasigalira ddala mu mutala Bbumbu Kabaka kwe yali akubye embuga ye era bwe butyo n'ebufuuka obutaka bwe.

Omukyala omulala omukulu ennyo mu Buganda ye Nnaku ow'efumbe . Obutaka bwe buli Gganda mu Busiro . Nnaku omeberyebereye yali muka Kabaka Chwa, Nabaka . Kimera bwe yava e Bunyolo okulya Obuganda , Nnaku ye yamwaniriza era ye yakola olukwe olwatuuzwa Kimera Ku Nnamulondo . Egimu ku mikolo egikolebwa Nnaku kwe kuba nti yasooka okutema enkumbi mu mbuga okutegeeza Obuganda nti olumbe luwadde okwaba, era Omutanda omuggya atuuziddwa Ku Nnamulondo. Nnaku aweebwa Kabaka mu nju eyitiibwa Bujjabukula mu luggya lwa Walusimbi e Bakka era y'atema evvuunike erisooka Kabaka wabeera agenda okuzimba olubiri .

(Kisimbuddwea mu BUKEDDE KU SANDE owa April 2005)

Ebibuuzo:

- a. Obwakabaka bwa Buganda bussa ekitiibwa mu bakazi .Kino kiragiddwa kitya?
- b. Nyonyola ebikolwa eby'obuzira ebiragiddwa mu mboozi eno.
- c. Mennya emizuzo egy'ekuusa ku kitiibwa kya Nanzingu.
- d. Laga engeri enkolagana ya Buganda n'ebitundu ebigyetooolodde gy'eragiddwa

2. Soma ekitundu ekukuweereddwa wammanga n'oluvannyuma okole nga bw'olagiddwa.

Omungereza omukugu mu ndwadde za maaso atandiseewo eddwaliro mu Uganda okujanjaba endwadde za maaso, akusabye mukole naye kuba waliwo abalwadde be ababa batamanyi lungereza naye nga betaaga okumannya ku bino;

Dry eye disease is a chronic condition where the eyes do not produce enough quality tears to stay lubricated. This causes symptoms such as stinging, burning or scratchy sensations, redness blurry vision, a gritty or sandy feeling, stingy mucus in or around the eyes, excessive tearing (as the eye tries to compensate), and heavy or tired feeling eyes.

Common causes include age (especially over the age of 50), certain medications, environmental factors such as wind and air conditioning, long periods of screen time and hormonal changes. You can manage the condition through at-home practices such as taking regular screen breaks, consciously blinking every 30 minutes and using a humidifier to add moisture to the air. Medical treatments such as prescription eye drops and artificial tears may also help.

I advise you to consult an eye specialist for proper medication and to follow the above home remedies.

(Adopted from: The New Vision, Monday 12 th February 2026)

Ekyokukola;

Yamba abalwadde abazze ku ddwaliro okumannya ku bulwadde bwa maaso.

EKITUNDU B

3. Soma ekitundu kino wammanga n'oluvannyuma owandiike embozi ya bigambo nga 350 - 400.

Oluwumula oluwanvu olumaze mu kyalo awabeera abenganda zo omuli abafumbo , kyoka abakyala abafumbo b'omukyalo ekyo walaba nga babonaabona nnyo bwobageraageranya ne banaabwe ababeera mu bibuga. Mwanyoko alina omusajja amulya obwongo gwayagala okufumbirwa naye nga yamusubiza mutwala babeere mu kyalo kuba ekibuga tekyali byakola bivaamu ssente. Kino kikweraalikiriza era osazeewo okumutanya omwami Ono ng'omunyumiza byewalaba.

Ekyokukola;

Teeka embozi eyo mu buwandiike.

Oba

4. Soma ekitundu kino wammanga n'oluvannyuma owandiike emboozi ya bigambo nga 350__400.

Wasoma ne mikwano gyo ne mumala siniya eyokuna, abbabiri Ku bano abaali abagezi ennyo basalawo kutandiika kukola kyoka ssente ezibaweebwa ntono ddala. Bazadde babwe bagezezaako okwogera nabo baddemu basome kyoka bakyeremye. Olunaku lumu mu luwumula olusooka mu siniya ey'okutaano osangako omu nga tafaananika alinga omulwadde, nakwasa ennaku. Mutuula wansi nakulojjera ennaku eri mu kuwereza abazimbi omuli okukyungwa n'obutaasasulwa n'e birala ebiringa ebyo ebimwetamizza okukola.

Ekyokukola;

Muddemu ng'omunyonnyola ebirungi ebiri mukusoma namalako oluvannyuma nanoonya Omulimu. Wandika by'onomunyonnyola asobole okuddamu okusoma.

END